# Minisitule ne Vision Group baakulwanyisa endya embi

Bya PONSIANO NSIMBI

MINISITULE y'ebyobulamu ng'eri wamu n'ekitongole ekivunaanyizibwa ku baana mu nsi yonna ekya Unicef batongozza kampeyini y'okulwanyisa endya embi mu baana.

Omukolo gwabadde ku kitebe kya minisitule e Wandegeya nga minisitule yakiikiriddwa dayirekita genero, Dr. Charles Olaro n'abakungu abalala. Unicef yakiikiriddwa akulira ebyendiisa, Zakaria Fusheini.

Kampeyini eno yaakutambulira ku mulamwa ogugamba nti, 'Endya ennungi mu bantu bonna' ng'egenda kubunyisibwa nga beeyambisa emikutu gy'amawulire egikulembeddwa egya Vision Group nga bali wamu ne UKaid ne ofiisi ya Katikkiro wa Uganda.

Dr. Olaro yategeezezza ng'abaana obukadde 2 (ebitundu 26 ku 100) bwe bakonzibye olw'endya embi ate emitwalo 23 (3 ku 100) batono nnyo okusinziira ku myaka gyabwe.

Wabula wadde guli gutyo, abaana emitwalo 23, abali wakati w'emyaka 5-19 balina omugejjo nga kino abakugu bakitadde ku ndya embi n'enneeyisa.

Amyuka kamisona avunaanyizibwa ku by'endiisa mu minisitule y'ebyobulamu, Dr. Samalie Namukose yagambye nti eby'endiisa nsonga nkulu nnyo kubanga tekikoma ku byabulamu wabula kizingiramu n'enkulaakulana y'eggwanga.




Okuva ku kkono: Fusheini owa Unicef, Dr. Charles Olaro. Ate ku ddyo ye kaminsona mu minisitule y'ebyobulamu George Upenyitho ne Dr. Samalie Namukose ow'ebyendiisa mu minisitule y'ebyobulamu bwe baabadde e Wandegeya.